# Engeri gy'olwanyisa eky'omwana okwemalira ku ssimu



Omwana ng'obwongo bwonna abamulidde ku ssimu.

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

NGA ffenna tukkaanya nti, omulembe guno amasimu gaafuuka kitundu ku bulamu bwaffe era ne mu bulamu bw'abaana baffe, naye ate amasimu gano gatandise okufuuka ekizibu gyebali.

Abaana bafunye omuze ogw'okubeeranga bokka ng'ekintu 'kye boogera' ge masimu. Abamu tebakyalina budde bwogera ne bannaabwe wadde okwogera n'abantu ababasingako ng'obudde bwonna babumalira ku masimu gaabwe ekintu ekifuuse eky'obulabe.

Omukugu mu nkuza y'abaana Maureen Kizito, okuva mu kitongole kya Peas agamba nti: Amasimu gatutte nnyo obudde bw'abaana nga kati ne bw'oba oyogera naye alaba nga ggwe amumalira obudde anti ng'ayagala kugenda adde ku ssimu ye akolereko ebintu eby'enjawulo.

Ekintu ekyo kya bulabe nnyo eri obulamu bw'abaana baffe





kubanga bajja kukula nga tebamanyi kwogera na bantu bannaabwe era nga n'okwogera nabo tebakirabamu mugaso.

Mu ngeri y'emu abaana bwe beemaliza ennyo essimu naddala nga bali ku mikutu emigattabantu, basobola okuyigirako obukambwe, okukozesa ebigambo nga tebafuddeeyo ku ngeri gye biba bigenda okuyisaamu abalala. Okugeza, ku mikutu emigattabantu, waliwo ebigambo ebinene ddala abantu bye bakozesa naddala nga baanukula ku kintu ekiba kiteereddwaayo. Omwana bw'abisomanga entakera atandika okulowooza nti, bya bulijjo naye



Maureen Kizito

n'atandika okubikozesa ekintu ekitali kituufu.

Mu ngeri y'emu omwana eyeemaliza amasimu obugumiikiriza bumuggwaamu, jjukira mu bulamu obwabulijjo, omuntu bw'ayogera, ogumiikiriza n'amaliriza naawe n'omuddamu. Ku masimu ekyo si bwekiri, okugeza ku mikutu emigattabantu okugeza ogwa TikTok, ggwe olaba bulabi omuntu ky'ataddeyo nga tolina wadde omukisa okumulabula, oluusi nga n'okumumanya tomumanyi. Wano tewabaawo bugumiikiriza era y'ensonga lwaki osanga omuntu n'ebyogerwako ku mikutu egyo talina ky'awa budde. Waliwo n'ebizibu ebirala bingi omwana by'afuna nga yeemalizza essimu mu kifo ky'abantu banne omuli okubulwa emikwano egisobola okumuggya mu buzibu, omwana okufuna obuzibu ku bwongo n'ebirala bingi ebigwa mu kkowe eryo.

### ENGERI Y'OKUYAMBAMU OMWANA OBUTAFUNA BUZIBU BUNO

Okusobola okumalawo ekizibu ekyo, abazadde tulina okupima obudde abaana bwe balina okuba n'amasimu ate n'obw'okukola oba okwenyigira mu mirimu emirala nga ggwe bw'oba ogitegese.

Mu ngeri y'emu omwana mubuulire nti, bw'afuluma ennyumba talina kubeera ku ssimu. Osanga omuntu ng'atudde ku bodaboda oba takisi naye ng'amaaso gali ku ssimu, omulala ng'atambula ku kkubo naye ng'ali ku mutimbagano ku ssimu. Mu mbeera eno aba takyasobola wadde okwekengera abantu abayinza okumutuusaako obulabe anti ng'ebirowoozo ssimu ebitutte okukkakkana ng'agudde mu bulabe.

Tusobola n'okweyambisa enkola ya tekinologiya, ng'omwana bw'abeera ku ssimu okusukka mu budde bwe mmwakkaanyaako ssimu nga yeggyako, ate ng'okugizzaako ebaako 'ebinkumu' by'esaba ng'omuzadde ggwe alina okubiteekamu. Wano nawo oba osobola okukendeeza ku bulabe obuli mu mwana okwemaliza essimu.

Abazadde twongera amaanyi mu budde bwe tumala n'abaana baffe, tutambule nabo bamanye enneeyisa y'omu bantu.